OKWANIRIZA ABAGENYI MU TTABAMIRUKA'07 KWA SSENTEBE WA GGWANGA MUJJE NY/NJ
Mw. Joseph Matovu

Hyatt Hotel
Brunswick, New Jersey
Lwamukaaga, Mutunda 1, 2007.

Ssaabasajja Kabaka, Ronald Muwenda Mutebi, abalangira n'abambejja, Katikkiro wa Buganda, Emmanuel Ssendaula, akulira abakulu b'ebika, Omw. Alan Waliggo, abakungu ba Ssaabasajja mwenna abali naffe wano, ababaka ba Ssaabasajja, ab'ebitiibwa, abaami, abakyala, abavubuka n'abaana baffe, mu linnya lya Ggwanga Mujje ey'e New York ne New Jersey, mbaanirizza nnyo, nnyini ddala mu Ggombolola yaffe eno. Mbakulisa obuwonvu awamu n'obugga byemuyiseemu okutuuka wano.

Ssaabasajja, nkusaba onzikirize nkwanjulire abantubo ffenna abali ebunaayira bwa Buganda. Tuli basanyufu era abamegerevu okukulabako, bangi mu ffe oluvannyuma lw'ebbanga eddene. Nga nzizeeko emabega katono mu mwaka 1998 watukyalirako mu Ggombolola lino omulundi ogw'okubiri ng'ogusooka gwali mu 1996. Awonno ssiba mukyamu okugamba nti otwagala. Ssaabasajja njagala okukukakasa nti naffe tukwagala nnyo era tukwenyumiikiririzaamu nnyo. Twenyumiikiririza mu Buganda eyedda; omwali ba Sir Apollo Kaggwa, Michael Nsimbi kati okweyongerako munnaffe era eyali omuweerezaawo ng'Obuganda bumusula ku mutima, omusawo omututumufu Zirabamuzaale Kazigo. Bwekuba nga kwekusiimakwo, nsaba okkirize tusiriikiriremu obusikonda 15 nga tujjukira omwagalwa waffe ono...*tusiriikiriramu*...; twenyumiikirirza mu Buganda eyaleero eyimiriziddwawo abakulu b'ebika, Katikkiro n'abakungu ba Ssaabasajja, bannaffe abali eka mu byalo, n'abali mu bibiina by'Aganda nga Nkobazambogo n'ebirala..., abali ebweru mu bibiina by'Abaganda nga Kamukamu, Baana ba Buganda, ebya Ggwanga Mujje ebyawufu nebirala...; era twenyumiikiririza mu Buganda eyenkya emaamiddwa emiti gya Buganda emito nga amasomero g'Oluganda mu Washington D.C., Denmark, South Africa, New York/New Jersey nawalala...

Ssaabasajja abantubo ab'ebweru tukunnggaanidde wano mu Ttabamiruka nga tweyama mu butongole okulekerawo okulindirira abalala okutukolera byetwetaaga, okunenya abalala okutakoma nti bebatutuusizza mu buzibu bwetulimu, okwekubagiza okwo nga kwotadde n'okunenennggana ne bannaffe okutaggwa. Tumalirirdde okwenyigira mu by'enfuna era tukubira Obuganda bwonna omulanga bukole kyekimu lwetunaasobola okweriisa, okweyambaza, okuyimirizaawo amaka gaffe era n'okuweerera abaana baffe. Tujja kwongera amaanyi mu bulombolombo bwaffe nga tussa essira mu bwesimbu n'okussaamu abakulu baffe ekitiibwa. Oba ku ssaawa ya leero Buganda ekaaba musaayi, tuwera wano mu maasogo nti tuli beetegefu okuguzibikira. Tusaba eggwanga lyaffe libeeremu emirembe. Naddala nga tuli mu kisaawe ekitereevu amateeka wegagobererwa, tujja kugwisa bwenyi n'abalala. Nga tujjukira obuzira

bwabajjajjaffe, tujja kuluma n’ogw’engulu tuwangule era tuwanirire EKITIIBWA KYA BUGANDA.

Nga nkyukira bannange ffenna abalumirwa Obuganda, nsaba tukkaanye nti Buganda enunuulikika mu ddubi mweri. Tujjukire nti “Oluyitaayita, lukira oluliira ku nkoligo...” “Okukyala kulaba, nga ate okudda kunyumya...” Abakunnggaanidde wano nga tuvudde mu buli kanyomero ka nsi, tusaanye tugatte ebirowoozo, amagezi n’obumanyirivu byetufunidde ebweru wa Buganda tubyeyambise okwongera okwekulaakulanya n’okukulaakulanya Nnyaffe Buganda.

Mu nnaku zino essatu, nsaba tuteeseze mu ku kkaanya n’omwoyo gumu nga tumanyi ebigendererwa Ebirowoozo tukunnggaanye bingi mwetunaasunsula ebyo ebikola. Tumanyagane era tusanyuke nga bwetwewummuzaamu. Ttabamiruka’07 ng’awedde, tunokolemu byetunassaako essira nga tuzzeeyo mu bitundu byaffe. Nteesa tutandikirewo okukola byetulyanjulira bannaffe mu Ttabamiruka anaddirira.

Mbaagaliza okuteesa okulungi.

SSAABASAJJA KABAKA AWANGAALE

Joseph Matovu,
Ssentebe wa Ggwanga Mujje New York/New Jersey, Inc.